ABABAKA B'ESSUUBI COVID-19



Eddagala Erigema

- Eddagala erigema obulwadde bu Lumiima Mawuggwe (COVID-19) ettuufu eryakakasibwa ekitongole ky'obulamu eky'ensi yonna (WHO) lirambikiddwa. Mu kiseera kino tusobola okusabira awamu nti eddagala lino lituuke mangu eri abo abasinga okulyetaaga, nga mw'otwalidde abakozi ab'oku mwanjo n'abantu baffe abakaddiye ababeera mu bitundu byaffe.

- Nga bwe tulinda okufuna eddagala erigema COVID-19, twetaaga okweyongera, mu kiseera kino n'okusinga emabega, okukakasa nti tugoberera emitendera emyangu egikola mu KUZIYIZA… Yambala akakookolo ku nnyindo yo n'omumwa gwo, Kuuma amabanga, Weewale ebibinja by'abantu n'ebifo ebitayisa bulungi mpewo era Naaba engalo zo

Eddagala Erigema

- Ggulawo omutima gwo ogemebwe. Ekikolwa kino kya kwagala eri ggwe n’eri ebitundu byaffe.

- Eddagala eryakakasibwa ekitongole ky’obulamu eky’ensi yonna okugema obulwadde bu Lumiima Mawuggwe (COVID19) lituwa essuubi: liranga ekkomo ly’ekiseera kino ekizibu.

- Nkakasa ebya Sayansi era mmanyi nti eddagala ery’akakasibwa ekitongole kyobulamu eky’ensi yonna lyesigika. Ekintu kye seesiga kye ky’okufuna COVID-19, kubanga simanyi ngeri gye kinaankosaamu saako n’abantu abanneetolodde.

Eddagala Erigema

- Mu kufuna eddagala erigema COVID-19 ng’ekiseera kyange kituuse, nja kubeera kitundu ku kumalawo ekizibu mu kuteeka ekkomo ku nawookeera ono.

- Ng’omukulembeze mu kintundu, nasalawo okugemwa: eddagala ery’akakasibwa ekitongole kyobulamu eky’ensi yonna lyesigika era lisobola okutaasa Obulamu.

- Tujaguza olw’okulafuubana okw’awamu okwa bannasayansi bangi, ebitongole, abagabi b’obuyambi ne gavumenti mu nsi yonna era tusaba nti eddagala erigema erigendereddwa okutukuuma obutafuna COVID-19 libaawo era lituuka eri buli muntu.

Eddagala Erigema

- Kunoonyereza kulaga nti eddagala erigema COVID-19 likola mu kkukuuma nga tolwadde olwa COVID-19. Tuyambe okusaasaanya amawulire gano amalungi.

- Okugema COVID-19 nkola ya mugaso okutuyamba okuddayo mu mbeera eya bulijjo. Beera kitundu mu kumalawo ekizibu!

- Waliwo amakubo g’oyinza okutwaala ag’okwekuuma okutuusa ng’ogemeddwa: Yambala akakookolo nga kabikka ennyindo n’omumwa gwo; Kuuma amabanga okuva ku bantu abalala; Weewale ebibinja by’abantu; Weewale ebifo ebitayisa bulungi mpewo; Naaba engalo zo buli kiseera.

Eddagala Erigema

- N’oluvannyuma lw’okugemebwa, kikulu okweyongera okukozesa enkola zonna eziriwo okuyamba okumalawo nawookera ono nga bwe tutegeera ebisingawo ku ngeri eddagala erigema COVID-19 gye likolamu mu mbeera z’ensi eza bulijjo. N’olwekyo, weeyongere:
  a. Okwambala akakookolo nga kabikka ennyindo n’omumwa gwo
  b. Okukuuma amabanga okuva ku bantu abalala
  c. Okwewala ebibinja by’abantu
  d. Okwewala ebifo ebitayisa bulungi mpewo
  e. Okunaaba engalo zo buli kiseera

- Oluvannyuma lw’okugemebwa COVID-19, oyinza okufunamu okutaataganyizibwa okutonotono okugeza ng’okuwulira obukoowu oba okulumizibwa. Obubonero buno bwa bulijjo obulaga nti omubiri gwo kuzimba obukuumi. Jjaguza era olabirire bulungi omubiri gwo !